AKEEZIMBIRA

Teweenyooma naawe osobola okuzimba

# Engeri gy'otangira abaana okufuna obuzibu awaka mu luwummula



Abaana basaana okulondoolwa nga bazannyira mu muddo obutafuna buzibu.

Bya KIZITO MUSOKE

EKISEERA kino ng'abaana bali waka mu luwummula, abazadde balina okuba ku bwerende bw'okulaba ng'abaana tebafuna buzibu.

Mu June wa 2012, abatuuze b'e Mawanga Central zone e Muñyonyo mu Kampala baafuna ekyekango, bbebi ow'emyaka ebiri bwe yawalampa obuliri n'aggulawo eddirisa n'ayitamu n'agwa wansi okuva ku mwaliiro ogwokusatu. Ekyewuunyisa ne maama we yalimu mu kisenge ng'agolola ngoye.

Abaana abalala bangi abazze bafuna ebizibu ebyewalika ng'okunywa obutwa, okulya ennyo, okukwata ku bintu by'amasannyalaze, okugwa mu mazzi, okulya omuddo ogw'obutwa, okuseerera, okumira eddagala n'ebizibu ebirala.

Jaliat Namukose omutuuze w'e Kasubi mu Kampala ng'alina abaana mwenda agamba nti abaana abato bafuna nnyo obubenje era ababalabirira balina obutabaggyako liiso naddala abaavula n'abatandika okutambula.

Kino kitegeeza okutegula ebintu by'obulabe nga ppini, ebinusu, obusaanikira bw'amacupa n'ebintu ebirala ebyobulabe nga babitadde mu kamwa.

Ekirala ekyobulabe kwe kubeera nga we batambulira waseerera. Abalina tayiro eziseerera kye kiseera okulowooza okuteekako ezitaseerera. Oba si kyo teeka kapeti mu bifo abaana we basinga okutambulira okwewala okugwa kuba kizibu okubeera abeegendereza.

## WEEGENDEREZE OMUDDO GWOSIMBA

Leonard Muzahura, eyakuguka mu kutegeka enzigya agamba waliwo omuddo ogusimbibwa munda mu nnyumba ne wabweru nga gwa bulabe nnyo singa omwana agulya kuba gusobola okumwokya omulimi n'okuziba empewo egenda ku mawuggwe.

Waliwo n'omuddo ng'omwana bw'agulya asesemerawo, okubutuka omubiri, amaaso okumyuka ekiyinza n'okumuviirako okuyisibwa obubi.

Kino kitegeeza omuzadde nga tannaleeta muddo gwa kika kyonna awaka, alina okusooka okunoonyereza ku nneeyisa yaagwo n'akakasa nga tegulina buzibu bwonna.

Abaana era balina omuze gw'okusika ebintu nga ebitabo, emmeeza, 'side board', era kyangu okumugwira n'afuna obuzibu. Olina okukakasa ng'ebintu nga firiigi, kuuka, water dispenser nga biteereddwa bulungi ku kisenge. Kyokka weewale okubiteeka okumpi n'eddirisa kuba abaana basobola okubirinnyirako ne bagwa nga baagala okutuuka ku ddirisa.

## OKUGWA MU MAZZI

Obutafaanana ng'abantu abakulu abagwa mu mazzi amawanvu, abaana kyangu okugwa mu mazzi amatono ne bwe gabeera gali mu baketi oba ebbaafu. Amazzi si kirungi kugakuumira mu bintu nga si bibikkeko.

Abaana abakuzeemu olina okubabangula ku bye balina okukola nga waguddewo obuzibu okugeza obujjanjabi obusookerwako (first aid), kye balina okukola ng'amasannyalaze gakubye munnaabwe.

Abaana ne bwe baba beebase olina okubakuumirako amaaso kuba abato ennyo kyangu okwebikka amasuuka ne bbulangiti ne baziyira.

Ng'omuzadde olina okufaayo okumanya ebifo we bazannyira, be bazannya nabo, n'amakubo gye bayitira.




Kibeera kya bulabe abaana okubeera ku buliri obuliraanye eddirisa eryangu okuggulwa.

## EBIRALA EBIRINA OKUSSIBWAKO ESSIRA

### EBYAMASANNYALAZE

Yinginiya Jamil Ssebitalo owa Jakib Smart and Contractors agamba nti ekiseera kino abazadde basaana okukakasa nga soketi zonna ziri mu mbeera nnungi obutakubya baana masannyalaze.



Ying. Ssebitalo

Ebintu byonna eby'amasannyalaze byandibadde tebibeera mu kifo kituukamu baana naddala abaavula.

Ebintu nga chaaja, ppaasi z'amasannyalaze ne waya z'amasannyalaze tebirina kubeera mu kifo abaana we batuuka amangu.

Ebintu nga firiigi ne oven birina okubeera nga biggale bulungi kuba abaana bamanyi okuyingiramu ne beggaliramu ekintu ekyobulabe.




Kiwagama

Mariah Kiwagama, eyakuguka mu ntegeka y'amaka era nga maama agamba ebintu ebitalina mugaso nga bulanketi n'engoye enkadde ze batayambala si kirungi kubeera kumpi kuba zisoboka okulwaza abaana.

Ebintu ebikozesebwa abaana nga ebbensani, engoye, ebikopo mwe banywera ne kwe baliira tebirina kugattibwa n'eby'abantu abakulu.

Kiwagama agamba nti ekisinga omuzadde weetaaga okugula kkamera enkessi n'oziteeka awaka mu kiseera kino n'oziyunga ku ssimu y'omu ngalo. Kino kikuyamba nti ne bwobeera toliiyo, osobola okumanya bye bakola.



Abaana olina okubeegendereza ku masannyalaze.